RE:Oluwombo..
Posted by JeenaJulia - 2008/01/08 13:55

Any ideas on how one can prepare luwombo in the Diaspora,bearing in mind nti foil paper yekola nga olulagala.Omumbejja gwe watumanyiza ssebo.Leta bwino.

==========

RE:Oluwombo..
Posted by omumbejja - 2008/01/08 19:00

JEENAJULIA oli bulungi munnange nakuterawo dda oluwombo dda mu(ffumbiro lya connect ligguddewo kebera kupage 3) bwooba tolina ndagala kozesa foil ojja kusigaza akawoowo.

==========

RE:Oluwombo..
Posted by JeenaJulia - 2008/01/10 09:37

Omumbejja ssebo wangala nga obugulu bwegongolo,kati mbadde nkusaba onfunile yo ku recipe yomugooyo naye lumonde nina wa kyenvu,oba bikola??

==========

omugoyo
Posted by omumbejja - 2008/01/14 04:11

Meli muleete bwiino Kalibattanya na bakyaala baconnect wonna wemuli nze ndowooza nti osooka kufumba lumonde yekka nebijanjalo byokka bwebijja nolyooka obigatta wamu nogoya wamu . Sili nnyo muli wamugoyo naye ndowooza eri agumanyi okugutegeka obulungi atuyambe .

==========

Re:omugoyo
Posted by Kalibattanya - 2008/01/15 18:14

Yye Ssebbo, ebijanjalo obifumba byokka nebijja bulungi ddala, nze nsinga okwagala okukozesa ebya kanyeebwa. Ne lumonde omufumba yekka. Kisinga nomu steaming oba nomufumbirako ebikuta nomala nolyoka omususa. Awo era nze buli kimu nsooka kukisotta kyokka nekigonda, nendyooka ntabula. Omucuuzi mu bijanjalao ogujjamu nga osotta, otekaamu katono katono kakukuganya kugonza mugoyo mu ngeri gyogwagala, nolyooka ogussa mu alminium foil nossako mu oven katono, nolyooka ojjulira omwana wa bandi.

==========